

Ow'ebyamawulire Hajjat Halima Ddungu (ku kkono), ssentebe wa NETA, Catherine Rujumba ne Esther Namuddu mu lukung'aana lwa bannamawulire ku kitebe kyabwe ku Old Kampala.

# Bavuddeyo ku bakyala abanyigirizibwa

Bya PONSIANO NSIMBI

ABAKULEMBEZE b'abakyala abeegattira mu kibiina kya National Entrepreneurs and Traders Association (NETA) bavuddeyo ku nsonga z'abasuubuzi abanyigirizibwa okuli n'abatembeeyi abaagobwa mu Kampala n'ebibuga ebirala.

Bano nga bakulembeddwaamu ssentebe waabwe, Catherine Rujumba bagamba nti, okugoba abatembeeyi kyasinze kukosa bakyala. Agamba nti, wadde waliwo ebibiina, ebitongole n'enteekateeka za Gavumenti ezaateekebwawo okuyamba ku bakyala naddala abalina bizinensi, bangi tebabiganyuddwaamu olw'obutamanya, kwe kuvaayo balabe bwe bayamba abakyala nabo babifunemu.

Mu kuyambako mu mbeera eno, bano bateeseteese olukung'aana olwa National Enterprenuers and Women Confrence nga April 2, 2026 ku wooteeri ya GNS ku Old Kampala, okukubaganya ebirowoozo n'okusomesa abakyala okutandika, okuzimba n'okukuuma bizinensi n'okunoonyeza ebyamaguzi byabwe obutale.

Omulamwa guli: "Okuggyawo emiziziko egiremesa abakazi okukola bizinensi ezivaamu ssente."

Omwogezi w'ekibiina kino, Hajjati Halima Ddungu agamba nti olukung'aana luno lw'abakyala bonna nga lwakubaamu abakungu okuva mu bitongole eby'enjawulo.